**Ssande, 1:30 akawungeezi;**
ManU vs Brighton 1:30

FORTEBET
MAN. UTD – BRIGHTON
1 X 2
1.87 3.90 3.80
WWW.FORTEBET.UG

OMULEMBE gwa Darren Fletcher mu ManU tegwatandise bubi. Wadde yafunye amaliri ku ttiimu gy'olowooza nti nnafu (Burnley), ManU ye yazannye bulungiko. Ebirina okukyusibwa weebiri naddala ekisenge kyokka bino tebivaawo ku mupiira gumu.

Kyannaku nti kaweefube waabwe ow'okuwangula FA Cup bamutandikidra ku ttiimu ya Premier (Brighton). Ttiimu za Premier tezitera kwagala kwesisinkana ku ntandikwa kyokka akalulu kwe baabasuula.

ManU erina okulwana okulaba ng'efuna wiini yeesogge omutendera gwa ttiimu 32. Naye ekirungi omupiira guno guli ku Old Trafford. Abaana bonna abaaliko wansi wa Sir Alex Ferguson bakimanyi nti ttiimu yaabwe terina kukubwa ku kisaawe ekyo. Ne bw'eba ekubiddwa, walina okubaawo olutalo ssinziggu, abawagizi baabwe bakirabe nti olutalo lubaddewo, tebakubiddwa lwa kyejo.

Ennaku zino, Brighton tekola bulungi mu Premier. Erina wiini emu yokka mu mipiira 5 egisembyeyo. Wadde nga ne ManU erina wiini emu yokka mu mipiira 5, waakiri ebyayo bitegeerekeka.

Kapiteeni wa ManU, Bruno Fernandes yakomyewo okuva mu buvune era yatandise bulungi mu gwa Burnley. Brighton esumbuwa nnyo ManU ensangi zino. Mu mipiira 5 egisembyeyo nga bakwataganye, Brighton erinamu wiini 3.